| Essomo 5 | الدرس الخامس |
|---|---|

# EBYA SUNNA MUKUSIIBA

Okusiiba kulina ebintu nga biri Sunna mukwo nga nabyo bye bino wammanga:

**1.** Okulya ddaaku nga bw'agamba Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandiikwa Imaam Bukhaar ne Muslim egamba nti:

Agamba swalla Llaahu alaihi wasallama nti: **"Mulye ddaaku, mazima mu kulya ddaaku mulimu emikisa''.**
Era nga kiri Sunna okukeereya ddaaku n'ogirya mu kiseera ekisembayo eky'ekiro, nga era bw'agamba Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadiith Sheikh Alban gye yayogerako nti ntuufu:
Agamba swalla Llaahu alaihi wasallama nti: **''Ummah yange tegenda kulekayo kubeera mu bulungi ebbanga lye balimala nga banguyiriza okusiibulukuka ate ne bakeereya okulya ddaaku''.**
**2.** Okwanguyiriza okusiibulukuka oluvannyuma nga kukakase okugwa kw'enjuba, so nga era kiri Sunna okusiibulukira ku kintu ekigonvu, bw'aba tafunye akozese entende, bw'aba tafunye asibulukukire ku mazzi, bw'aba tagafunye asiibulukukire ku kyonna ekiba kimwanguyidde.
**3.** Okusaba edduwa nga osiibye naddala mu kiseera ky'okusiibulukuka, nga bw'agamba Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandikwa Imam Bayihaqi egamba nti:
Agamba Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama nti: **"Edduwa z'abantu basatu zaanukulwa; edduwa y'omusiibi, n'edduwa y'omuntu alyazaamaanyiziddwa n'edduwa yomutambuze''.**
**4.** Era ne mu birala omusiibi by'atasaana kuleka, kwe kuyimirirako ekiro mu Ramadhan, nga bw'agamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandiikwa Imaam Bukhaar ne Imam Musilim egamba nti:
Agamba swalla Llaahu alaihi wasallama nti: "Omuntu ayimirira omwezi gwa Ramdhan nga mukkiriza era anoonya mpeera okuva eri allah, asonyiyibwa ebyo byonna bye yakulembeza okukola''.
Era kisaana eri omusiibi okujjuza eswala ya **Tarawuya** (Taraweeh) n'agisaala ne Imaam okutuuka Imaam lw'amaliriza nga bw'agamba swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandiikwa bannanyini bitabo bya Sunna nti:
Agamba swalla Llaahu alaihi wasallama nti: **''Omuntu ayimirira n'asaala ne Imaamu we okutuusa lw'amaliriza, awandiikibwa empeera za muntu ayimiridde ekiro kyonna''.**
Era kisaana mu Ramadhan okuyitiriza ennyo okusaddaaka, era nga bwe kisaana okuyitiriza okunyikira okusoma Quran kuba omwezi guno ogwa ramdhan mwezi gwa quran wamu nokubeera nga omuntu buli lwasoma enyukuta emu mu quran afuna ekilungi ate mubuli kilungi kimu akubisibwamu emilundi kumi

## ESWALA YA (TARAWEEH) TARAWUNYA

Tarawuya kwekuyimilila ekilo muswala nga muli mukibinga mumwezi ogwa ramdhan, nga nekiseera kyayo etandika oluvanyuma lwa ishai okutuusiza ddala ku fajiri, singa fajiri evaayo eswala eno ebeera weddeko.

Era imubaka swalla Llaahu alaihi wasallama yatwagazisa eswala eno okugisaala rakah kimi nemu, songa singa omuntu ayongela ku kumi nemu tekiba nabuzibu era waddembe okusaala rakah bbili bbili nga bwasaza salaam okutuuka lwokomekkeleza nemu.
Era kili sunna eswala eno okugisaala nga mpanvu obuwanvu obutakaluubiliza basaaze.
Era tekilina kabi nabakyala okujja okwetaba muswala eno eya taraweeh, naye nobukwakkulizo buno.
1. Bateekwa obubeera nga bajja kuwona ebikemo bya basajja
2. Batekwa okujigendamu nga tebeetonyetonye
3. Bateekwa okubeera nga tebolesezza byakwewunga byabwe era nga tebeefuyidde buwoowo.